| Essomo 12 | الدرس الثاني عشر |
| --- | --- |

# Ekyokubiri okukkiriza Bamalayika:

Okukkiriza bamalayika kutwaliramu okubakkiriza mu bulamba-lamba nemukutemaatemamu, nga ekiyitibwa okubakkiriza mubulamba-lamba tukkiriza nti mazima Katonda alina bamalayika yabatonda nabalaalikako okumugondera, era balimu emiteeko mingi okugeza mubo mwemuli abawaniridde namulondo era mubo mwemuli abakuuma ejjana nabomuliro, nemubo mwemuli abawandiika emilimo gyabaddu, ate mukukkiriza mungeri yokutematemamu, tukkiriza nti balina amannya ago geyabayita Allah era geyabayita omubaka Muhammad SAW nga mugo mwemuli Jiburiil, MIKAEEL ne MALIKI omukuumi w'omuliro ne ISILAFIIL eyaweebwa ogwokufuuwa engombe. Nebamalayika bano yabatonda Allah nga bajja mukitangaala nga bwekyakakata okuva ku Aisha mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim nti:

Agamba Aisha nti mazima nabbi SAW yagamba nti baatondebwa bamalayika nga bava mukitangaala negatondebwa amajinni munimi z'omuliro, natondebwa Adamu mukyabagambibwa amakulu muttaka.

**Okukkiriza ebitabo:**
Kyateeka okukkiriza mubulambalamba nti mazima Katonda yassa ebitabo kuba nabbibe wamu ne kubabakabe babe nga banyonyola ebivunaanwabye eri abaddube, n'okubakowoola eri ensonga eyo.
Era netukkiriza mungeri y'okutematemamu nti mubitabo ebyo mwemuli ebyatutegeezebwa amangu gabyo gamba nga TAWURAT ne INJIIL ne Zabuur ne Qur'an, songa Qur'an kye kitabo ekyenkomerero era ekibigatta era ekikakasa ebituufu ebibilimu, era nga kyekyetteeka eri abantu bonna okugobererwa n'okukilamuza nga ogasseeko ezo sunna enkakafu, entuufu okuva ku nabbi SAW, ku Allah yatuma nabbi Muhammad SAW nga mubaka eri ebizito ebibiri amajini nabantu natusizza Qur'an eno etulamule wakati waffe era nagifuula ddagala eliwonya endwadde eziri mubifuba byaffe era nga kitabo ekinyonnyola buli nsonga era nga kijjudde obulungamu n'okusaasira eri ebitinde nga bwagamba Allah mu Surat Aniam aya 155 nti:
"Agamba Allah nti nakino ekitabo (Qur'an) nakissa nga kyamukisa mukigoberere era mutye Allah olwonno mufune okusaasilwa". Era agamba Allah mu Surat Nahali aya 89 nti:
"Agamba Allah nti era twassa gyali ekitabo (Quran) nga kinnyonnyola kubuli nsonga era nga kijjudde obulungami n'okusaasira n'okusanyusa eri abasiraamu abakkiriza.